# Engeri gy'oyamba omwana obutatengulwa mmeeme olw'ebyo by'alaba ku mutimbagano

Bya EMMANUEL SSEKAGGO

ABAANA buli lwe babeera ennyo ku mutimbagano, abamu batera okufuna omuze ogw'obutekkiririzaamu okusinziira ku bye balaba ne bye bawulira.

Abaana bwe babeera ku mikutu gino, bagoberera abantu ab'enjawulo oluusi ne mikwano gyabwe oluusi egiba gibasinga okubeera obulungi mu by'enfuna.

Kati omwana bw'alaba abantu n'abeegomba kyokka nga ye bye balina tabirina, abamu batandika obutekkiririzaamu nga balowooza nti, bo tebafiiriddwaako kimala, kyokka ng'embeera eno si nnungi era ng'abaana beetaaga okuyambibwa okulaba nga omuze guno tegubayingirira.

**Omuzadde n'omwana**

#### EBIVAAKO ABAANA OKWENNYIKA

Kkansala Vasitina Mutuuzo omutuuze w'e Banda mu munisipaali y'e Nakawa agamba nti : Omwana bw'abeera ku mutimbagano kyokka n'atalambikibwa bulungi omutima guyinza okumwennyika okukkakkana ng'atandise obutekkiririzaamu wamu n'okwekyawa.

Ebimu ku bibaviirako obutekkiririzaamu wamu n'okwekyawa kuliko :

1 Obuteetaba ku bubaga obutegekeddwa bannaabwe : Abaana naddala nga bavubuka, batera okwagala okugenda okusanyukako ne bannaabwe. Gwe bw'otomukkiriza n'alaba banne yeekyawa.

2 Obutamukkiriza kwambala misono gy'alabye ku mutimbagano : Ennaku zino abavubuka waliwo engoye ze baagala okwambala wadde oluusi ziba tezeetaaga kuyita mu bantu. Singa alaba banne nga bazambadde kyokka nga ye wazimugaanye kubanga oluusi ziba tezibikka bulungi mubiri gwe yennyika.



Vasitina Mutuuzo

Singa atuuka mu banne olw'okubanga ye olugoye banne lwe balina talulina kimuviirako okwennyika omutima.

3 Okulaga bye balina : Osobola okusanga omwana omuto naye nga bazadde be bamugulidde ebintu eby'enjawulo, okugeza emmotoka, ennyumba wamu n'ebintu ebirala ebigwa mu kkowe eryo. Wano omwana atabirina buli lw'abiraba ku mutimbagano bw'atayambibwa atandika okubyegomba ate n'okuggwaamu essuubi okukkakkana ng'atandise n'okwenyooma.

4 Obutaba na masimu ga bbeeyi : Buli mwana ali ku mutimbagano, tekitegeeza nti, essimu gy'akozesa ya bbeeyi, bw'abala banne kumpi b'ali mu myaka gye gimu nga bakutte ez'ebbeeyi, asobola okutandika okwenyooma okukkakkana ng'atandise n'okuwulira ng'alekeddwaawo.

5 Okulaba banne nga balya eby'okulya ye byatalyangako : Ku mutimbagano, abaana oba abavubuka bateekayo ebifaananyi nga balya ebintu eby'enjawulo gamba nga ekyennyanja ku bbiiki, emmere mu wooteeri ez'omulembe n'ebirala. Omwana asobola okwegomba ebintu ebyo okukkakkana nga bimuleetedde okwenyooma n'akula nga teyeeyagala bulungi.

6 Abaana okulinnya ennyonyi ne bagenda ebweru w'eggwanga : Singa omwana wo alaba baana banne nga balinnye ennyonyi ne bagenda e Dubai oba mu America kyokka ng'owuwo ne ku kisaawe ky'ennyonnyi e Ntebe tatuukangayo, ajja kutandika okugyegonba.

7 Abateeka ebifaananyi by'omwana gw'ogabidde ssente ennyingi kivaako abatazirina okwennyika.

#### OKUMALAWO EMBEERA ENO

- Ekisinga okwetaagisa mu mbeera eno, kwe kwogera n'abaana okumanya embeera y'ebyenfuna naddala eyiyo ggwe ng'omuzadde, omuyigirize okumatira ne bye balina era omukakase nti, mu kiseera ekituufu ajja kutuuka kw'ebyo by'alaba ku mutimbagano
- Bw'otokola kino, omwana asobola n'okutandika okubba ng'anoonya ssente yeetuuseeko by'alaba ku mutimbagano. Awo nno ggwe omuzadde fuba okuba ng'otangira omwana wo okwegomba ekiyitiridde ebyo by'alaba ku mutimbagano.